KYATEREKERA OMUNAKU

KYAWANDIIKIBWA

KIMULI BOB

EBIRIMU

Akagambo k'omuwandiisi……3

1. Ekirooto…….4

2. K'onooweeka…….....9

3. Okubonaabona si kufa……..15

4. Esomoka tewoloma…….....23

5. Embaga y'obugole……...…...….37

All rights reserved. No part of this publication may be reproduced in any form or by means of electronic, photocoping, recording without written permission from the aurthor.

Mulezi: Ate ggwe jjukira bwe wakkiriranga ku luzzi, wavangayo bukyali?
Mutimbi: Lwaki nga sivaayo bukyali?
Mulezi: Temwalwangayo nga muzannya jangu onkwekule ?
Mutimbi: Nga ndi naawe?
Mulezi: Ani oli?
Mutimbi: Ani?
Kazzi bandabye, bwentyo ne nziruka okuva we nnali nneekwese, nzire awaka nnyumizeeko kagafumba ku bye ndabye ne byempulidde. Anti baalugera dda nti "Okutambula kulaba okudda kunyumya."

Mulezi: Nga tojja kukulera, wansabye okukulera?

Mutimbi: Nnyamba onsikeko ku mukono naawe, nze sirina gajja.

Mulezi: (*n'amusika omukono*)

Mutimbi: Nze tonsikaasikanya nnyo otyo ojja kummenya, ate nga siriimu na luyingo lwonna.

Mulezi: Kati nno weereete.

Mutimbi: Kale kankuleke, si kuba nga okutukamu wabiri n'onneekwasa nti nze eyakumenya.

Mulezi: (*n'aseka ne Mutimbi n'aseka*): Nze okukutukamu wabiri?

Mutimbi: Olowooza tekisoboka?

Mulezi: Mu kifo ky'okusooka weekunkumule ekisaanyi ekikuli ku mugongo otunuulidde nze ng'atandabangako.

Mutimbi (*ky'ava yeekunkumula*): Nga sikiraba, jangu okinzigyeko naawe!

Mulezi: Mbadde nze nsaaga, tewali kisaanyi.

Mutimbi: Naye lwaki kyana ggwe olimba banno bwotyo?

Mulezi: Nze mbadde nsaaga so ssi kulimba, ggwe tolabawo njawulo?

Mutimbi: Naye kyana ggwe eyakukuza yabonaabona naawe!

AKAGAMBO K'OMUWANDIISI

Toggwaamu maanyi toggwaamu ssuubi era tokeŋŋentererwa n'akamu kubanga emikisa gyo gisumuluddwa egy'akuteekerwateekerwa omutonzi ng'ensi tennabaawo okukungula ebibala eby'emikono gyo ebingi ddala. N'olwekyo oli muwanguzi kaakano kubanga wateeka obwesige bwo mu Mukama Katonda wo atayiwa mwana we bulijjo na bulijjo emirembe n'emirembe. Oyinza okulaba ng'ensi gwefunzizza, naye bwolabanga ekufunzizza n'ekunyigira ku kisenge nga tokyasobola na kussa, munnange osigalangamu essuubi kubanga okyayinza okubeera ng'okaabira ngatto, kyokka nga munno akaabira kigere. Awo nno otambuzanga obulamu ne kyonna ekiriwo ne bwe kibeera kitono kitya kubanga "Akabimbi akatono kakira ekyosi" ate era ojjukire nti "Ekibaawo kimala, ennyindo y'enkoko ky'ekyenyi."

KIMULI BOB

EKIROOTO

Edda ennyo, waaliwo eggwanga eryali liyitibwa Ggalangwa nga likulemberwa kabaka erinnya lye Mulezi. Kabaka Mulezi yasikira Nnamulondo nga wa myaka kkumi gyokka kitaawe Mutayimbwa amale akise omukono. Bwe yaweza emyaka abiri n'ayagala okuwasa era bwatyo kwe kutegeeza abakungu be bamukolere omukolo era bamunoonyeze abawala abalungi mwanaalonda anaamufumbira ettooke awone okugwa mu masiga kubanga "Ennyonyi enkeeze y'erya ensiriŋŋanyi". Awo abakungu ne bateekateeka omukolo era ne baleeta abawala abalungi ennyo ng'enjuba y'ekinyirikiti era nga bwe babafukako amazzi oganywa. Mu bawala bonna abajja ku mukolo era be yakubako ekimunye, yalondamu omuwala omu erinnya lye Muwaasi. Era ku lunaku olwo lwennyini, kabaka lwe yamulangirira mu butongole nga Nabakyala ajjudde mu bwakabaka bwa Ggalangwa. Bwe bwaziba ekiro ky'olunaku olwo, kabaka n'akoowoola abakungu be okulya wamu naye nga tannaba kubasiibula. Bwe baali bali mu kulya, kabaka ne yeewungulamu katono ebweru okubaako byatereeza nga alese kabiite we mu ntebe. Yeezira kufuluma, nga Nabakyala agamba mu mwoyo gwe nti "Kakubye." Awo kwe

Mulezi yalaba olusirika lunyiinyiitidde okubasaanikira, kyava yeevaamu ng'enkoko emira ensanafu n'abuuza **Mutimbi nti**: Wakkuse oba tewakkuse?

Mutimbi: (*n'asekamu*) Wabula amasanyu gakuyitiridde olwaleero, mu byonna byonna osobodde kulondayo kibuuzo ekyo okumbuuza?

Mulezi: Nkoze kibi?

Mutimbi: Si kibi naye maama, ate tunaakola ki?

Mulezi: Olina emyaka emeka?

Mutimbi: Abakazi tetwogera myaka gyaffe, ebyo bibeera bya kikopi.

Mulezi: Kasita tuli babiri, vva mu jjoyijjoyi ombuulireko.

Mutimbi: (*mu kaloboozi akatono ennyo*); kyokka mu kifo ky'okunderako otunula butunuzi eri ng'akubiddwa emiggo! Nze bannange simanyi na mwana wa mukazi bw'anaakola.

Mulezi: Kale gira ojje nkulereko gwe ate onaakaabira awo ng'atalina wuwo?

Mutimbi: Singa kye wasoose okwogera ssinga omuntu yavuddewo dda!

Mulezi: Ovaawo olaga wa?

Mutimbi: Nze mbadde nkulimba kyokka bambi, nze sirina gye ndaga nga siri naawe.



Baatuula mu kittuluze kya muyembe

kulagira abasenero ba kabaka okumuleetera ebita by'omwenge yeggweere kubanga olunaku lwa kusanyuka era n'ayita ne banne okwolekera mu kisenge ekiddako banyeenye ku galiba enjole. Awo omukadde bukuku eyali amaze ebiro ebingi era eyatuulanga ku mukono gwa kabaka ogwa ddyo kyava amugamba nti "Kabaka nga tanywa mwenge mwana wange, onoonya kwekuulira kabazzi ku kugulu nga waakajja mu lubiri?" Ko Muwaasi nti "Nedda, nze nnywaayo empaawo emu yokka nga mmala." Ko omukadde "Okuva leero tokyabadde mukyala wa kabaka." Ko Muwaasi "Mukadde, onaambuulira nga mmalirizza." Munnange Muwaasi obutawulira ne bumuyinga obungi n'atawuliriza ddoboozi lya mukadde oli, okutemya n'okuzibula ng'olulimi alinnyamu lulinnye era nga n'ensowera agigobya lulimi. Omukadde oyo Nakiiwa yeeyali omulubaale wa kabaka era nga ye mulaguzi w'olubiri. Bwe yayogeranga ekintu nga kibaawo era bwe yakolimiranga ekintu nga kisaanawo. Kabaka okukomawo anoonye ku mugole nga lya mpiki. Awo kwe kubuuza omukadde nti "Munnange aluwa?" Ko omulubaale "Ali mu kisenge ekiddako, era ekiri eyo, kifumba mutuku kitokota si kisaanikire." Olwali okutuuka mu kisenge ekiddako, kabaka enviiri zaamuva ku

mutwe bwe yakuba amaaso ku mukyala we nga agangayira bugangayizi nga n'amaaso akubako makube ati! Olw'okuba amaaso amati galamusa nnyinimu, Muwaasi yeebuzisa kabaka gy'abadde okumulekerera bwatyo. Awo kabaka n'abuuka enswa. Namubuuza nti "Okolaki Muwaasi?" nga amatama ntengo. Ko kabaka "Empeta gyennakuwadde eri luuyi wa?" Nga Muwaasi ayanjala ngalo era nga atunula mpwangali ng'embwa esudde ekyuma. Kabaka yavaayo tasalikako musale era n'ayolekera mu kisenge gyeyabuyiwanga yeewummulireko si kuba ng'akola kyatandikoze kubanga "Atigaatiga ekitanyi y'akizaaza abalongo." Kasita yagwaawo bwati, nga tuggyawo. Awo mu kiro ekyo nga kabaka yeebase, n'aloota ekirooto ekyamwewuunyisa era ekyalowoozesa ennyo emmeeme ye n'alemwa n'okwebaka nate bweyawawamuka nga avudde mu kirooto. Bwe bwakya enkya, n'atumya mangu omulubaale era mukazi wattu yamutuukako nga atidde bya nsusso kubanga "Akukeera bw'atakuzinga muggo akuzinga bugenyi." Kabaka teyalwa ng'abuulira ku mulubaale kirooto. Yagamba bwati "Nnyabo omulubaale naloose nga ndaba omuwala omulungi ennyo asensudde enviiri nga atudde awo. Omuwala oyo naŋŋamba nti nkusaba busabi

bufuuka bumu era mu bupya bwabwo ne buweebwa n'erinnya eppya; Layoni era n'okutuusa ku ssaawa ya leero, obwakabaka obwo buyitibwa Layoni. Eggandaalo bwe lyatuuka wakati, abalaguzi b'embiri ebbiri Ssekiiwa ne Nakiiwa, ne bateewuluza ku bagole buli omu ne munne okugenda mu busubi obulungi mu kittuluze ky'omuti ogubanyiriridde banyumyemu ng'abagole omulundi gwabwe omubereberye. Nze akunyumiza bino nnasobola kulondoola Mulezi ne Mutimbi era bbo baatuula mu kittuluze kya muyembe ku mukeeka mu busubi obwali obuweweevu, obumasamasa kiragala omukwafu omutaali kasaaniko konna. Mutimbi yagenda n'ekisalaganda ky'ebimuli era bwatyo n'akitonera Mulezi. Mulezi bwe yalaba nga talina kyatonedde Mutimbi, kwe kumwambaza omukuufu gwe ogwa zaabu mu bulago bwa Mutimbi. Omukuufu ogwo Mulezi yali yaguweebwa kitaawe Mutayimbwa ng'akyali mulamu era ng'akyali Kabaka. Bwe batyo ne beetunuulira ng'abatali bbo era baalwawo nga tebeenyega kigambo okugyako okumwenyereketa nga ssupu wa doodo nga beetunuulidde.

kabona ne banyookeza obubaane obw'afulumya evvumbe ery'akawoowo okwetooloola ekifo n'omukka gwabwo. Nga bamalirizza okubakolako n'emikolo emirala omwali n'okubawonga mu Balubaale, gaatuuka amalya g'ekyemisana ggwe wamma ne nkulabira akeetalo.

Nze ne kaakano ndowooleza ddala nga kyenkana tebaalya kyamisana kubanga abasinga baali mu kunyumya, abalala nga beeriisa, abalala beewuusa enva, mu butuufu ng'ekiri wali otunulako butunuzi n'omala. Abantu ba bulijjo bo baalya, ne banywa, ne basindisa n'ebigere kubanga eby'okulya n'ebyokunywa ebyali wali nga tomooni anti nga n'ow'emmindi asena. Okutwaliza awamu, olunaku olwo simanyi nga lulyerabirwa mu bwakabaka obwo. Amalya g'ekyemisana nga gawedde, waaliwo omukolo omupya ogwayanjulibwa ku mbaga eno; nga kwe kufumbiriganwa kwa amawanga abiri, Ggalangwa ne Teramu okufaananako ba kabaka baago, Mulezi ne Mutimbi bwe baali kubanga "Ennyonyi enkulu y'eyigiriza ento okubuuka." Ate era "Awagwa ekku tewabula bulondererwa." Era bwatyo kabaka Mulezi ne munne Mutimbi, baalangirira okwegatta kw'obwakabaka obwo Ggalangwa ne Teramu. Mu kwegatta kuno ne mu

bwetowaze obungi, omuwala oyo Muwaasi omuggyeko empeta ya Nabakyala kubanga temusaanidde. Omuwala asaanidde okukufumbirwa ali mu kyalo eyo ewala naye okumuzuula osaana ogende omwenoonyeze ggwe kubanga naye alina gye yava nagenda eyo okukunoonya era mukazi wattu akulinze. Bwoba ogenda, osobola okwerabira byonna, naye teweerabira empeta ya Nabakyala okugenda nayo kubanga y'erikulaga ekkubo ly'olina okukwata bw'onaaba omunoonya. Bwonaabanga obuliddwa ekkubo ery'okukwata naddala ng'oli mu masaŋŋanzira wakati, ojambalanga mu lugalo lwo olutono ennyo olwa nnasswi. Bw'enaafuukanga eya kiragira mu kkubo ly'onaaba osonzeemu omukono gwo, ng'omanya nti ly'ekkubo ettuufu ery'okukwata. Naye bw'eneesigala nga ya kakobe, ng'omanya nti si ly'ekkubo ettuufu era onoonyanga eddala. Akabonero kw'olirabira omuwala eyakutonderwa okuwasa keekano; alina enkovu ey'obutonde eya kiragala ku kisinziiro ky'ekigere ku kugulu okwa ddyo. Bw'ogirabanga eyo n'olyoka omanyanga ng'omuzudde kubanga naawe olina enkovu yeemu ku kisinziiro ky'ekigere ku kugulu kwo okwa ddyo. Nkwagaliza olugendo olulungi kabaka." Awo

kabaka n’afundikira nti “Kyekyo nnyabo ekirooto kyennaloose.”

Awo omulubaale ng’awulidde ekirooto ekyo, n’alyoka asanyuka nnyo ng’akimezezza okw’enjala era n’abuukira waggulu ng’ejjanzi. Enkeera w’olunaku olwo kabaka yaweebwa amagezi okulekera Muwaasi Nnamulondo olwo alyoke agende ku lugendo lwe nga ateeseteese bulungi olubiri kubanga “Kawuulu kagezi kagenda okunywa ogw’obusogozi nga kamaze okweyalira.” Era bwatyo kabaka n’atuuza Muwaasi ku Nnamulondo, alyoke ayolekere ku lugendo lwe olwamuteekerwateekerwa Ggulu ekyasanyusa ennyo Muwaasi anti “Okuliraana omukulu ataddiza, oliraana empagi ey’empumbu.”

EMBAGA Y’OBUGOLE

Baasula ku tebuukye ng’eŋŋoma zivuga, engalabi zibwatuka, ensaasi zinyeenya, abafumbi nga baseesaamu enku mu byoto n’abandi nga banyumya emboozi ez’essanyu omwali mujjudde okugerenjula engero okusinga okuzisoggola. Evvumbe eriwunya obulungi lyajjula wonna, abantu baasula bayimiridde anti ennyama y’ebisolo n’ebinyonyi eby’enjawulo yateekebwako kawungeezi ku muliro kubanga ettooke ly’eryasooka okukumwamu omuliro mu budde bw’akalabiriza bazaana. Bwagenda okukya, ng’abafumbi amaaso gabamyuse olw’omukka ate nga abambejja b’olubiri omukka ogubawunyako bweguti! Anti nabo mu kufumba baali bataka nnyo. Kwo okuba ekyali wali nga kifumba mutuku era nga kitokota si kisaanikire. Essaawa zaagenda okuwera ettaano ez’okumakya, nga abagole bamaze okwambala era ng’omulimu ogusigadde gwa Ssekiiwa ne Nakiiwa okubagatta kubanga beebaali bakulira ebya Balubaale mu lubiri. Awo kwe kutuuzibwa mu ntebe eza zaabu ez’abateekebwateekebwa obulungi ennyo nga bonna banekaanekanye bulungi nnyo mu byambalo byabwe era nga bamasamasa ng’enjuba emmunyeenye zibongoota. Awo Nakiiwa kwe kulagira ba

kubanga musajja mulungi nnyo tayogerekekako.” Ko Mutiisa “Embogo ze twasse mbadde nsaba zibeere enva z’abagole kubanga twabadde tuzibaaga ne tuzuula ng’emu yabadde nnume ate endala nkazi.” Abateesa b’olukiiko bonna ne balyoka bakuba engalo era ne basanyuka nnyo kubanga baalabako n’agaabwe nga abaali boolekedde okufumbiriganwa omukwano gubasaza mu kabu enswa nnene. Anti baalugera dda nti “Omukwano masavu ogalya gakyayokya.” Ate era “Akwanguyira naawe omwanguyira, empogola weyeeyasiza w’ogisusira.”

K’ONOOWEEKA

Bwali ku makya nnyo ng’akeezi keessammula nnyo era nga kakubye ettumba, ne ssuulwe nga yagudde mungi nnyo kabaka n’omukadde ne basimbula okuva mu lubiri okwolekera mu kyalo si kuba ng’obudde bubayitako kubanga “Ennindiza yamezza Ssemitego.” Mulezi yagenda yeewagise ekitala kye era nga yeenywezezza ekimyu mu kiwato kye omwali empeta ya Nabakyala gye yali agenda okukozesa n’okumuyambako mu lugendo lwe. Omukadde Nakiiwa ye yamuwerekera nga yeetisse egguggu bigonwa erya Mulezi omwali eby’okukozesa mu bulamu bwe obwa bulijjo ng’ali ku lugendo. Akasana bwekaavaayo, ng’obudde bwetadde bulungi, ne bakyamako mu kittuluze ky’akati akaali awo ebbali w’ekkubo . Awo omukadde oyo n’akwata ku nkuutabuliri ya Mulezi n’amugamba nti “Bw’olabanga omuntu alina kyeweetaaga, okimusabanga. Bw’osisinkananga eyeetisse, omusitulirangako byeyeetisse kubanga tolimanya oba ng’ebirungi by’olifuna mu bulamu bwo biritandikira ku ye. Bw’osisinkananga abalwana, obalekanga era tossangayo kikyo naye bw’olabanga omu agenda kumiza munne omusu, n’olyoka otaasa agenda okuttibwa kubanga bwaliwonera mu mikono gyo, tomanya gye

ng’olugendo lwo oliba olutuusizza ku lunaku olwo naye ng’obulayo kulutuuka ku ntikko yaalwo.



Omukadde Nakiiwa ye yamuwerekera

kwe kusaba mwana muwala Musiimi eyali yamutaasizza okufa, okumuwasa ku lunaku lwe lumu. Ko Musiimi “Obadde onsula ku mwoyo nga lufuba, weebale nnyo okusumulula omutima gwange Musiiri.” Abateesa kata babuukire waggulu. Ko Omulubaale w’olubiri Ssekiiwa “Nange mbadde nsaba abalongo bange bafumbiriganwe n’abawala bebazze nabo kubanga baabadde balina bye boogera ebifaanaganako bwe bityo amakya ga leero newankubadde nga mu lukiiko luno tebaliiwo. Ko Kabaka Mulezi “Mubayite mangu bajje, lwaki mubagaana abaana abo abawulize okujja?” Bwe baatuuka mu lukiiko era nga jjajja ababuulidde ebibaddewo, bwe baali tebannanyega kigambo, obuwala obwo ne busooka bweyanjula bwe buti; Akamu keegolola bwa ntoogo obw’emmuli bufa ennyingo ne kagamba nti ‘Nze Babirye n’ono munnage ye Nakato, nze mbadde nsaba nfumbirwe Kato kubanga twali ffembi tumale tuwalampe omuti lwe twawona embogo.” Ko Nakato “Nga bwe muwulidde nze Nakato, mbadde nsaba kufumbirwa Wasswa kubanga nnamunyweza bulungi nnyo ate naye n’anyweza bulungi nnyo omuti luli lwe twalumbibwa embogo.” Ko Mutonnya “Nze naaviramu awo?” Nange mbadde nsaba kufumbiriganwa ne Mutiisa

bombi mu mitima gyabwe. Awo Muyinzi n'asaba Mutimbi okuwa ebiragiro mu kaseera ako kubanga Muyinzi yali akimanyi bulungi nti "Ajjanjaba omulwadde ssi y'amusikira." Ko Mutimbi "Tegeka olukiiko ttabaamiruka akawungeezi ka leero tuteese ku birungi by'obwakabaka buno eby'omumaaso." Bwatyo n'aluteekateeka. Bwebaali mu lukiiko nga bateesa, baakkiriziganya wabeewo embaga ennene ennyo Mulezi ne Mutimbi kwe baali ab'okufumbiriganwa n'okwekulisa bye baayitamu kubanga omuntu bwatajjukira gy'ava, tamanya gy'agenda. Ng'ekiteeso ekyo kimaze okuyitamu, Mulezi yalagira n'abantu abalala abandyagadde okufumbiriganwa mu butongole beetwalire omukisa ogwo okufumbiriganwa ku lunaku lwe lumu olwa Mulezi ne Mutimbi anti "Omukisa gujja lumu tegudda." Ate era "Ono alya n'oli alya y'emmere egenda." Awo Muyinzi bwe yasituka okwogera, n'agamba nti "Bateesa bannange, nange mbadde nsaba Muwaasi muwase bw'abeera akkirizza." Ko Muwaasi "Totumye weesitukidde kubanga nange omutima gubadde guntujjira ggwe." Abateesa ne basanyuka nnyo nga n'okukuba obuluulu kw'otadde. Musajja mukulu Musiiri, omukuumi wa Muyinzi, eyali yacwacwalikanye ne Mutimbi

Obeeranga n'okukkiriza mu mutima gwo mu buli ky'obanga ogenda okukola. Era okikolanga n'obumalirivu nga totunudde ku mukono gwo ogwa kkono newankubadde ogwa ddyo wabula mu maaso gy'ogenda. Omuntu bwakuwanga obuyambi, tobugaananga naye osookanga kwebuuza lwaki abukuwadde. Naye mu byonna tolaganga muntu yenna ky'oli okutuusa ng'omazeeko olugendo lwo era nga n'ekigendererwa ekikulu otuuse ku ntikko yaakyo olwo n'olyoka oyogera nti ndi kabaka n'ekitiibwa ky'obwakabaka nga kikulabikako era nga tewali kiziyiza kubanga oliba tokyadda mabega nate mu ngeri yonna. Kanneme kukulwisa ayi Beene, ogire otuuke nga munno tannakoowa kukulindirira, weeraba Kabaka." Awo Mulezi n'agenda mu maaso nga bwatunula emabega okutuusa ekiseera lwe kyatuuka nga omukadde takyamulabako era nga abuliddeyo. Bwe bwatuuka obw'eggandaalo ku lunaku olw'okuna nga atambula, Mulezi yagenda okukebera mu kaleku ke oba mwasigaddemu ku mazzi g'okunywa, nga kalagula. Akebere mu ddiba mwe yali yatereka emikalo gy'embogo n'emmere nga lya mulere. Awo oluyala ne lulyoka lumusensera, ne lumusakata n'enkalamata n'essa okwo. Bwe yeeyongerayo katono mu maaso nga

n’agatambula tegakyawera, n’agwa mu masaŋŋanzira amakazi. Wabula bwe yatunuza omukono gwe ogwa ddyo mu makubo gonna agaali gaawukanira awo, empeta yagaboola gonna era teyafuukako ya kiragala mu gonna. Mulezi n’alyoka ajjula encukwe era n’atunula bijiijidde ng’embuzi ekaabira amalagala. Kyokka bwe yazibula amaaso, n’alaba akakubo akatono ennyo omwali n’omuddo oguddugala akaali kasibuka ku kkubo eryali litunudde e bukiika ddyo we litandikira . Bwe yatunuzaayo empeta mu kakubo ako, n’efuukirawo kiragala ekyamusanyusa ennyo so nga gaali gamuwedde anti baalugera dda nti “Ssesolya bwatafa atuuka ku lyengedde.” Akakubo ako kaali kaserengeta ku luzzi era eyo gyeyatuukira. Yasangayo omuwala amalirizza okukima amazzi era nga agenda kwetikka ensuwa y’amazzi ku mutwe. Teyalwa, n’abuuza ku muwala oyo era bwatyo n’amusaba amazzi anyweko. Omuwala teyali mubi ng’akwasa Mulezi nsuwa y’amazzi ejjudde obulungi. Olwali okugissa ku mumwa, nkunywe nkunywe nga ye mulamuzi. Akataayi okusala oluggya nga ensuwa temukyali wadde ettondo ly’otuzzi. Omuwala kyava asekamu n’agamba Mulezi nti “Owange obadde ofa bwotyo!” Ko Mulezi nti “Onkubye enkata era nkwebaza bya

newankubadde nga teyamusanyukira ng’oli eyasoose. Anti abaalugera baalutuusa nti “Amazzi gakulukutira gye gaali gakulukutidde, gye gatakulukutiranga tegakulukutirayo.” Nga Mulezi ne Mutimbi bamaze okunnyonnyola ebyaliwo era nga n’abajulizi weebali abaalabako, omuwawaabirwa oyo Musiiri gwamukka mu vvi n’okutunula n’atunula wansi ng’enkoko kubanga “Amaanyi ameemanye gaamala ebita embuga.” Oluvanyuma Muyinzi yakkiriza ne basumululwa era ne balya butaala kubanga baali balangwa bwemage ng’embwa endaawo. Musiiri bwe yalaba asobeddwa awaka ne mu kibira, kyava asaba ekisonyiwo kubanga “Gunsinze aliwa bitono”. Kazzi akuuma lubugo lubaale mubbe anti Muyinzi teyakkiriza kwetonda kwe kubanga yagamba nti “Answaza atya okutuuka ku kino, kammutte.” Wabula bwe yali agenda okuttibwa, omukuumi wa Muwaasi ow’okulusegere erinnya lye Musiimi kyava asaba ye attibwe mu kifo kya Musiiri kubanga yali tayinza kulaba Musiiri ng’attibwa atyo ng’ekyonziira so nga yali yeenenyezza ekibi kye era nga atuukiridde. Ko Muyinzi “Musiiri mbadde simanyi ng’eriyo akwagala bwatyo n’olwekyo nkusaasidde.” Musiimi ne Musiiri ne bafukamira ne beebaza Kabaka kubanga baalabika nga bakwataganye

okuva awo webaali; Mutiisa ne Mutonnya baazambalira ku mugongo nga jjenje ne basalawo, bawerekere abalongo abo n'obuwala obubiri bwe baali nabo newankubadde nga baali tebabamanyi era nga tebabalabangako. Baatambula okutuusa lwe baatuukira ddala mu lubiri lw'e Ggalangwa. Nga bamaze okunnyonnyola Kabaka omukazi Muwaasi ow'obwakabaka obwo, yamalirira okufa n'obutanyagwa okutaasa Kabaka we era mukwano gwe Mulezi. Bwatyo n'asitukiramu ng'eyatega ogw'ekyayi n'eggye lye eryamubeeranga ku lusegere n'omulubaale Nakiiwa ne babambagga, ne bambalagana n'olugendo. Lyali ggwango likunta bamale batonnye ku lubiri lwa Teramu. Nga Muyinzi amaze okuwa ensonga ez'agongobala era ezitaatuuka bulungi kwe yava okusiba Mulezi ne Mutimbi, Muwaasi yasaba bamuleetere abasibe abakubeko eky'omulubaale kubanga "Atawubira nsiko ye taliira" Ate era "Kitange adda tekirobera musibe kubomba." Tebaalwa, nga baleetebwa mu maaso ge wabula nga basibiddwa emikono emabega gyegitaliira ntungo. Awo Muwaasi n'agwa Mulezi mu kafuba, n'asanyuka nnyo okumulaba era n'akola ky'ekimu eri Mutimbi kubanga yali yamutegedde dda kyali

nsusso ku ky'onkoledde leero." Ko omuwala; "Ye abaffe osulawa era erinnya lyo ggwe ani?" ko ye "Nze Mulezi, naye wa luganda, mpammanta buwammansi eyo mu nkoola ne mu ttale era mbuyiwa eyo okutuusa Lugaba lw'abumaamulako eddiba." Ko ye "Mwana mulenzi ekyo kisoboka! Jangu ewaffe tubeere eyo kubanga waliyo ensiisira nnyingi ezifa otulo mu kifo ky'okubungeeta obubungeesi ng'emmomboze."

Awo Mulezi najjukira omukadde kye yamugamba nti "Bwebakuwanga obuyambi, tobugaananga…" Mulezi kwe kukkiriza n'okwetikka n'amwettikirako ensuwa y'amazzi okutuusa lwe baatonnya eka. Olwali okutuuka eka nga Mutonnya ayaniriza buto omugenyi era ng'amuwa eky'okutuulira. Eky'omukisa waaliwo ettooke eryali lyavumbikiddwa ne lumonde omwokye. Olwabikwasa Mulezi bwati, kyenkana yamira bimire olw'enjala eyamuliko nga tatidde na kumutunuulira anti eyeeyambudde tatya gannyogoga so ng'ate era "Entubiro eteekumire tekusuuza ku nkanaga." Nga amalirizza okuwunya mu gwa ddyo, Mutonnya yali yabuuliddemu dda jjajjaawe era bwatyo n'akkiriza okumuwa ensiisira gy'anaasulangamu okutuusa w'alikooyera n'agenda. Mulezi

olwakuba ekimunye ku nsiisira, teyabeebaza bwebaza kyokka, naye yabatendereza nnyo nnyini olw'ekisa kyabwe ekingi era n'asanyukira nnyo ensiisira eyo kubanga "Ssebuwoomi bwa nswa n'atalya mutima aguliira omwo."

"Akufumbira ey'omutwe omufumbira ya bigere nemwenkanya evvumbe". Ate era nti "Omumpi w'akoma w'akwata ensolosozi eruma atudde." Akaseera nga kayiseewo akawera, abalongo baakoowa nga bali ku miti kubanga tekwali matabi wabula ebikuggu ebinafu so nga n'obuwala obwabali ku migongo bw'atuuka ne bubazitowerera ggwe wamma nga bayoya busera n'ensowera nga bagigobya lulimi. Bwe baali baweddemu essuubi era nga banaatera okwewaayo bagwe, n'ebaayo omusajja n'omukazi abaafubutuka mu kasaka akaali e busukka kkubo ng'embogo zibakubye amabega ne bazisogga amafumu zombi. Zaanyinyiitiramu ennyinyiitira nga bbiri, okugwa wali nga nkalu za jjo. Awo abalongo ne balyoka bassa ku mukka ne bakka n'obuwala okuva ku miti ng'essanyu eribaliko lya mwoki wa gonja era obukoowu ne basooka babusiba ku mpagi ne beebaza ababataasizza kubanga "Entasiima ebula agiwa." Baali baani nno abatta embogo ezo, Mutiisa ne Mutonnya. Bwebatyo abalongo n'obuwala obwo obubiri bwebaayita mu mannyo g'empisi ne bawona okuttibwa embogo ezo era ddala baalutuusa abaalugera nti "Ezinunula omunaku, Lugaba azitunga kiro". Nga bamaze okutwala embogo zino ewaabwe; awaali ekinnya n'empindi

“Mukyusizeewo obuufu tudduke ffenna kubanga embogo bbiri ezaakula ne ziwola zituli mabega, zigenda kubamaza emmere bwe musigalawo.
Ko Wasswa “Naye Kato…” Kato kwe kumusala ekirimi nti “Ggwe bw’osirikako eggulu likubuutikira?” Awo ne babinuka, baabo, batuuse ku masaŋŋanzira ge baasooka okusanga. Nga batambuzizza empeta mu makubo gonna, ku luno yakkiriza ekkubo erigenda mu maaso. Era bwe batyo ne beeyongerayo nga okutya kubambadde era nga badduka entuuyo tebaziwuliza kubanga wango tabuukira walungi. Bwe baali badduka, kwe kusanga emiti ebiri egyali ku mabbali g’ekkubo so nga ku luuyi lwe baali batunuulidde ebusukka kkubo, ng’eriyo akasaka akaali kasakaatidde obulungi era nga mulimu n’akazikizazikiza akakutte be kkunikkuni. Kyebava batuulako awo mu kittuluze ky’emiti egyo nga bawejjawejja. Okutemya n’okuzibula ng’embogo! Awo Wasswa n’aweekako akawala kamu bwatyo ne Kato akawala ak’okubiri. Ne balinnya emiti egyo buli omu ku gugwe kubanga “Omuggo oguli omwa munno tegugoba ngo” Ate era “Kambuukire baaba w’abuukidde kwekumenyeka”. Embogo bwe zaalaba teziisobole kuwalampa miti, kwe kwetuulira awo zibalinde bakke. Anti baalugera dda nti

OKUBONAABONA SI KUFA

Newankubadde yakaluubirizibwa nnyo okumalako n’emirimu gy’ekinaku gamba ng’okulima kumpi buli lunaku okuva ku nsowera okutuusa ku nsiri nga bwe yali empisa y’amaka ago, ddaaki yatuuka n’amanyiira embeera kubanga “Bwe zikusanga ozigumira ekikere kisula kisitamye.”
Okuyiga okukola emirimu obulungi ennyo kyamuzza emabega mu kutambula n’okunoonya omuwala ng’ekirooto bwe kyali era amazooba musanvu g’akongoka ku ggulu ng’akyasuzibwa mu ba Mutonnya. Era ssinga terwali lutalo kujja, amadaaza gaaliweze nkumu nga taseguse kuvaawo. Lwali olwo, nga akawoza masiga kanaatera okuggwaako wabula ng’ekisisimuko eky’olubereberye kitandiikiriza okuyingira, Mulezi n’awawamuka mu tulo bwe yawulira akonkona. Olwali okuggulawo oluggi, gye yakuba amaaso ku Mutonnya nga azinze emikono era ng’ayimiridde mu muzira ebweru. Ko Mulezi “Waliwo omutawaana mwannyinaze?” ko ye mu ddoboozi ettono ennyo ery’akawoowo nti “Anti nze eri ewa jjajja ntyayo, nzize wano tusule ffembi.” Ko Mulezi “Kale kansule eyo ggwe osule eno” Ko ye “Naawe ebyo tobyogera, gyangu tusooke twebake nkubuulire

kyoteekeddwa okukola." Ko Mulezi "Nneerabidde nno okuyingiza olubugo lwange ate ssuulwe ayinza okulugwako, ka mmale okululeeta." Ko Mutonnya "Kale oyanguwako munnange." Awo Mulezi n'agenda n'ayita jjajja Mutonnya akime muwala we ng'obudde bukyali kubanga "Ettooke oliwanirira likyali ku mugogo." Bwatyo Mutonnya omutego gwe yatega ne gugaana okukwasa era n'atasobola kusula wa Mulezi ekiro ekyo. Nga bukedde, Mutonnya yasunguwalira Mulezi n'okumunyega n'atamunyega kigambo olunaku lwonna. Naye newankubadde kyali bwe kityo, Mulezi teyabifaako era yasigala yeesuuliddeyo gwa Naggamba ekyanyiiza ennyo Mutonnya. Nga wayiseewo ebbanga, Mulezi yagenda okulaba nga ali ku maggwa, bwatyo n'atandika okubuzaabuzibwa oba nga ye muwala eyamugambibwako mu kirooto oba si ye. Lwali lumu nga jjajjaabwe ali mu nju awummuddeko, Mutonnya n'alemera ku Mulezi ng'amwekubisakubisa obuyi nga bwadduka mbu bazannya. Ko Mulezi "Mutonnya jangu nkunaazeeko ku bigere, ggwe ate olimbalako ki?" Mulezi yasindika asitamye, munnange nga Mutonnya aleeta bigere. Mulezi bwe yekkaanya ebisinziiro ku bigere byombi ekya kkono n'ekya

baalugera dda nti "Amagezi muliro bweguzikira ogujja wa munno." Ate era nti "Ekiri ewala, empenduzo y'ekiggya." Bwebaabuuza Mulezi ekkubo erituukayo, yabawa buwi mpeta era n'abakakasa nga bwe yali ey'okubayamba okubatuusa mu mirembe kasita bagendera ku ky'esazeewo anti "Omwana omuwulize, y'akomba ekibya." Munnange nga bagwa mu ddene, nga basaawuula ngere kwolekera Ggalangwa. Bwebaali batambudde olugendo oluwerako, kwe kugwa mu masaŋŋanzira amasajja. Ekyabeewuunyisa, empeta yaboola ekkubo erigenda mu maaso gyebaali balaga n'eryambuka engulu wabula n'esiima akakubo akatonotono akaali kaserengeta ku luzzi. Ko Wasswa nti "Leero tukkirize nti empeta ekoze ensobi." Ko Kato "Nedda, tukole nga bwesazeewo." Baalwawo nnyo nga tebakkiriziganya era abaalugera baalutuusa nti "Ebibuuka bitalagaanye bikubagana empawa." Ddaaki bakkiriziganya ne bakkirira emmanga ng'empeta bwe yasiima. Bwe baali baakatambulako akagendo mpaawokaaga, kwe kusanga obuwala obulungi bubiri obusensudde enviiri nga budduka embiro nnyingi buva gyebalaga. Ko Kato "Abange nga mudduka, waliwo omukoosi mu kkubo?" Ko bbo nti "Mwe

eyabaalula esiiridde era ssinga mubaddemu akatoola, muwala ggwe wandinfubbiddwa bino ne biggwa." Ko Mulezi nti "Ekyo kikafuuwe era tekiribaawo." Bwe batyo kwe kutwalibwa mu kkomera nga biwala ttaka kubanga "Akusinza enku n'evvu" era nti "Akusinga akukubya gw'okutte." Bwali bwa kalasamayanzi engajaba n'ensonjogo we zitandikira okulangaala bwe ziba nga zirima era akasana we keegaanira aboosi, Wasswa, Kato ne jjajaabwe Ssekiiwa bamale batonnye mu lubiri nga baleese eddagala lya kabaka ng'empisa bwe
yali. Wabula bwe baali bavaayo, abalongo, ne baagala okubuuza ensonga entuufu eyali yaleetedde Mulezi ne Mutimbi okubuyiwa mu lubiri kubanga baali tebakisuubira. Ko omu ku bakuumi b'olubiri nti "Temumanyanga?" Ko bbo nti "Nedda." Ko ye "Bemwogerako boogerera mu mbuzi ekogga kaakano." Ko bbo "Tutwaleyo." Bwe baatuukayo, bajjula encukwe n'emitima ne gibeewanika nga bategedde engeri mikwano gyabwe bwe gyali gigenda okuttibwa mu ngeri y'olusaago ng'ate mpaawo musango gwebaali bazzizza. Bwe baatemya ku jjajjaabwe, kwe kubawa amagezi bagende bategeeze kabaka we Ggalangwa omukyala Muwaasi kubanga ye yali ow'okubanunula yekka okuva mu kkomera anti

ddyo, n'atasobola kulaba nkovu ya kiragala. Era bwatyo n'amanya nga si ye muwala eyamugambibwako era ng'olugendo lwe okulumalako gakyaali mabaga. Mu nnaku ezitali z'awala, Mulezi bwe yali anyumya ne jjajja wa Mutonnya nga batema obukule obw'okumukumu, kwe kuwulira enduulu emitala etategeerekeka. Liba teriri busa, nga Mutonnya wuuno. Yatuuka awowoggana ng'emmandwa gw'esunye nti "Jjajja, Mulezi tudduke tuve wano, bamusibiramubbwa ba Teramu batulumbye." Ko bbo mu mwoyo nti "Bakusaggira okolola, ak'obugoba k'oyagala?" Nandi ki "Akutemyako oyagala wa mbazzi?" Nga bayotta! Bwe baali batuuse emitala w'eri ku kagulumu akaali keewagika ku kasozi, ne bakyuka emitala okutunula gye bava. Baakubayo limu lye lyamala, anti ku nsiisira zaabwe zonna ezaali ziguddemu olw'omuliro omungi ogwazikumwako kwe baatuukiza amaaso. Kazzi bamusibiramubbwa babalengedde. Olw'abalaba bwe bati, nabo tebaali babi nga bavaawo mangu. Baabatwala ennyindo y'enkata nga ne nnabugi si mufungize, ekiwejjowejjo mu kibira ky'obusaana n'emiti gya jjambula. Baagenda okwetunulako nga tebakyawera, anti jjajja nga takubikako kya mulubaale. Banoonyeeko nga buteerere. Baalaba

bakoowoola musibe abombye nga bateekako mbiro kwetaasa. Ko bo nti “Kanaggweramu eyo” kubanga “Kateeyanira kafa omutego” ate era “Nnyonyintono yeekemba byoya.” Bwe b’atuuka mu ttale awalungi, kye bava beekukuma mu migasiya emikwafu omwali n’akazikiza. Ko Mutonnya “Tewakyali kya ggaali, gira tukimalirize.” Ko Mulezi nti “Owange gira ogende weekweke wekka, oyinza okugwa mu buzibu ng’oli nange era ka nkwagalize olugendo olulungi.” Yayogera ebyo nga tamanyi nti yeekuulidde akabazzi ku kugulu. Mwana muwala n’alinnya mu kyoto, neyeetema engalike, n’aswakiira yenna ng’omwenge omusu nga bw’amugamba nti “Ng’oli muzibu mulenzi ggwe, n’ongoba otyo nga atammanyi, ggwe tokimanyangako nti buyisi bwomu ensega y’ebika…….?”

Bwe yali akyalasana, ne bawulira abajja ku luuyi gye baali batunudde nga bali mu migasiya egyo naye ng’abajja tebasobola kubalaba. Mutonnya gye yasirikira tewali yamanyaayo. Bwe baali bakyekukumye, kwe kulaba abavubuka babiri omulenzi n’omuwala nga bajja bayomba. Bwe baali banaatera okutuuka ku migasiya, ne bayimirira. Olwali okuyimirira, ng’ebitala bisowokayo era nga bambalagana bukanzu

obulungi era n’amaaso go gasanyusa okulaba, nkusiimye nkuwase” Ko Mutimbi “Otusonyiwe ssebo naye ekyo sisobola kukikukolera.” Ko omusajja oyo “Kasita bagamba nti embuulire tefa yonna, naye bwogaana nja kukuwaabira ewa kabaka by’oyogedde byonna kubanga mbadde mbiwulira bye mubadde mwogera.” Ko Mutimbi “Genda owaabe.” Bwe yali yakakiggya mu kamwa bwati, Kabaka Muyinzi n’ajja n’abatuukako. Teyabandaaza, n’asanyukira nnyo Mutimbi era ne babuuzaganya nnyo wamma emboozi n’etambula bukwakku. Bwe baali bakyaseka, omusajja eyafubutuse mu nsiisira n’amugamba nti ayi kabaka, oyo gw’osuuta ava kulombojja wano byonna ebyaliwo lweyakulekera nnamulondo kyokka n’alabula nti olunaagituulako bwati eyiyo agenda kugivuunika ogoberere bajjajjaabo abaakusookayo. Awo Muyinzi n’alyoka azimba ng’obudde era n’addugala ng’entamu efumba. Kwekulagira Mutimbi ne Mulezi basibwe mu mbuzi ekogga ng’akyaseka ate oluvannyuma battibwe akawungeezi k’olunaku oluddako ng’ekyosi kimaze okuyita. Kabaka bwe yabawa ekyanya bwati, nga babatwala. Omusajja omuwaabi; Musiiri, n’alyoka asekamu amakete ng’ekikutuzi ekirabye eyeeyalira n’abagamba n’ekkaaze eringi

“Ndi mugezi nga mubuulire” ate era “Oluyitaayita lukira oluliira ku nkoligo.” Bwatyo mukazi wattu kwe kutambula ng’amalirizza bulungi okuteekateeka olubiri mu ngeri entuufu kubanga “Anatta enswa ensejjere asooka kusima nvubo” ate era “Anaalya ettoke eddene asooka kulabirira lusuku.” Nga ayeekedde engere okumala akaseera, yatuukira mu maka agamu omwabeeranga omuvubuka erinnya lye Mutiisa eyamulemerako okutuusa lwe yayagala okumufuula evvu ku lunaku luli Mulezi amale afubutuke okuva mu migasiya okumutaasa. Bwatyo n’amaliriza nga akkaatiriza nti olugendo yali alukubye oluku mu mutwe era nga alutudde ku nfeete okuva lwe yali asisinkanye Mulezi kubanga “Akwata empola atuuka wala.” Ate era “Mpolampola ayiisa obusera.” Awo Mulezi n’amukwata mu myagaanya gy’engalo ze n’amukulisa nnyo olugendo olufaananako bwelutyo era bwatyo ne Mutimbi n’agakulukusa ag’essanyu kubanga “Nnanyini mufu y’akwata awawunya” ate era nti “Bwolaba akukaabirako nga naawe okaabira ddala.” Bwe baali bakyatudde ku kifugi awo, omuntu kyava afubutuka okuva mu nsiisira ng’omwokyeko omuliro n’abayimirira mu maaso nga tebamanyi n’agamba Mutimbi nti “Oli muwala alabika

obusuuka buwenjuka. Bwe baali balya amatereke, Mulezi n’alowoozaamu nti “Kaŋŋende mbataase.” Naye bwe yajjukira omukadde oli kyeyamugamba nti “Bw’osisinkananga abalwana obalekanga era tossangayo kikyo…….”, n’akonera we yali atudde okuggyako okubeegeka amaaso. Olwo nno munnaffe Mutonnya ali awo atunula bijiijidde ng’embuzi ekaabira amalagala. Wabula nga akaseera kayiseewo, omulenzi yasinza omuwala amaanyi bwatyo n’amalirira okumumiza omukka omusu. Wabula bweyawanika ekitala amumalirize, Mulezi kwe kufubutuka mu migasiya ng’aliko n’obumansuka n’abakanga n’ab’emitala nga basobola okuwulira.
Omutemu yeekanga olwekanga n’okutalantuka n’atalantuka n’agwa ennume y’ekigwo n’enkoona n’enywa anti “Ekyekango tekimanya muzira embwa bw’ogikuba omukalo edduka buddusi.”
Nga Mulezi amaze okutaasa omuwala oyo okuttibwa, omuwala yalabika nga yewuunyizza era n’assa ekikkoowe, n’amala n’agamba nti “Ddala ddala eteefe etuusa mugenyi!” Mulezi bweyakuba emigasiya omugongo, Mutonnya naye n’afubutuka mu migasiya nga amaaso gamumyuse nga kaamulali era ng’awanise ekitala akyolekezza Mulezi.



Mulezi kwe kufubutuka mu migasiya

omukadde oli Ssekiiwa yali yamulabudde dda nti kabaka takolagana na mulangira, wabula ye n'awalaaza empaka era nakakanyaza omutima gwe n'okuyinza n'atayinza kuwulira kye bamugambye. Mutimbi olwamukubako ekimunye, n'amuvaako bukumbu ng'ayuuguuma nga balugu atakutte mutuba n'obusungu nga bumulya. Yatuukira mu kisenge kye, kyezira kussaawo luba, ng'ennyiddo zeebaza eyazimba. Kwe kuloota ng'omusajja amugamba nga Muyinzi bwatasaanidde kubeera bba era nga bwalina okukkiriza okubonaabona agende amunoonye mu byalo ewala eyo kubanga "Ennungu enkalirize ekisa tewona" ate era "Ekiwoomereze kizaala enkenku." Kyali kimugwanira okugenda n'empeta ye emulage ekkubo ettuufu ng'ekola obubonerero obw'okufuuka eya kiragala ssinga ekkubo libeera ttuufu ate nga ya kakobe ssinga ekkubo libeera kyamu. Yali alina okulekera Muyinzi Nnamulondo olwo alyoke agwe mu ddene okugenda okunoonya omwami omutuufu kubanga "Ky'oyagala kikuseeza, omunyoro amalibu gaamuttira olubimbi" ate ng'oggyeeko ekyo, yali alina okuyiga emirimu gy'abakopi n'embeera z'abanaku alyoke akulembere obulungi abantu be nga yeenywezezza kubanga

lwalabye ku babe empewo lw'emufuuwa." Awo Mulezi teyabandaaza, n'amunyumiza ebyamuliko okuva lwe yava mu lubiri okutuusa lwe baasisinkana ku lunaku olwo. Awo ne Mutimbi kwe kunyumiza Mulezi byeyayitamu bwati; Yannyonnyola nti bwe yafuuka kabaka omukazi wa Teramu, yatuuka ekiseera n'ayagala okufumbirwa omusajja kubanga kya butonde. Kwe kwagala afumbirwe omu ku baduumizi b'eggye ly'obwakabaka erinnya lye Muyinzi kubanga yali muvubuka mbulakalevu, omugoogoofu obulungi ate nga yali muzira kubanga yalwana mu lutabaalo olumu, n'atta abalabe ebikumi bibiri omuntu omu ebyali biremeredde eggye ly'obwakabaka bwonna. Newankubadde yakozesa buti obwali obusongovu obulungi bwe yabakasukira nga kuliko obutwa obuttirawo, ekyo kyamufuula omuzira weewaawo teyalwanyisa mafumu na bitala ng'abalala kubanga "Ekkubo erimu lyassa wamusu" ate era "Amagezi luwombo enva bweziggwa w'obadde okoza ng'obikkula emabega." Bwatyo Nnyini nsi ng'ateekateeka mukolo era ng'alangirira Muyinzi nga mwami wa Nnyinimu mu butongole. Naye bwe bwatuuka obudde bw'akawungeezi, mukulu Muyinzi n'agenda akongojja Omulangira Ssegamwenge. Sso nno omulubaale wa kabaka


Omuwala eyataasibwa yamulabuukirira mu bwangu n'amuwuttula ensamba ggere n'agwa mu ssubi eryali ebbali era bwatyo bwe yataasa Mulezi n'atabeera mu bya "Zirindaba olwange" atawa musibe mmere. Omuwala oyo Mutimbi naye yassa ekitala ku bulago bwa Mutonnya si kuba ng'asitukawo ne lukwajja buto anti baalugera dda nti "Okwerinda si buti ensanafu etambula egaludde." Awo omulenzi oyo Mutiisa (eyali agenda okutta omuwala) ne Mutonnya nga beetemyetemye ng'omuwuulu atunda eddagala lya bakazi mbu babasonyiwe, Mulezi ne Mutimbi (omuwala eyataasibwa Mulezi) baasalawo babaleke bagende kubanga "Akuba owuwe akuba awumba engalo" ate ne "Gunsinze aliwa bitono." Akataayi okusala oluggya nga Mutonnya ne Mutiisa baamazeemu dda omusubi. Mulezi ne Mutimbi bwe baalaba nga bali bagenze nabo ne babambagga lwabwe si kuba ng'abaserikale babasanga ne babasindika mu mbuga ya walumbe e Ttanda kubanga "Ssekawuka kaali kakulumye bw'okalaba okadduka" ate era "Gw'omanyi enfumita tomulinda kugalula." Bwe baali batambulidde ddala nga banaatera okutuuka ku nsalo eyawula Ggalangwa ne Teramu, kye bava basisinkana abavubuka babiri abalenzi naye nga bafaanagana nnyo kubanga baali balongo. Awo

abalongo abo ne bababuuza nti “Muva wa?’’ Ko bbo nti “Twabunye dda emiwabo era obwedda tuli mu ddukadduka tetumanyi na gyetulaga.” Ko abalongo nti “Mujje naffe eno e Teramu tubatwale ewa jjajjaffe kubanga atutumye tunoonyeeyo abantu babiri abasobola okumusitulirako emigugu egy’okutwala ewa kabaka.” Ko bbo nti “Tugende.” Naye Mulezi n’asigala emabega alabe oba ng’empeta enaafuuka kiragala. Bwe yalaba nga efuuse kiragala, nga abeegatako nga bagenda. Okutuuka gye baali balaga waaliwo akatemerero naye ddaaki baatuuka bulungi. Baasanga omukadde jjajja w’abalongo asimbula era ng’amazeeko n’oluggya. Mu kiseera ekyo eby’okulinda bazzukulu be yali yabivuddeko ssi kulwa nga ateganira busa ng’asaba oluwanga obulamu. Jjajja w’abalongo oyo yali ayitibwa Ssekiiwa era ye yali omukongozzi w’obwakabaka era nga ye mulaguzi w’olubiri. Yali assibwamu nnyo ekitiibwa olubiri lwonna nga n’omutanda mw’omutwalidde. Tebaalwa nga Mulezi amusitulirako effumu n’oluga lwe. Ate ye Mutimbi nga yeetikka kibbo omwali amaliba, embugo n’ebintu ebirala. Tebaalwa nga bagwa mu ddene kwolekera lubiri.

ESOMOKA TEWOLOMA

Gaali malya ga kyamisana abalongo, jjajjaabwe, Mulezi ne Mutimbi bamale batonnye mu lubiri. Nga bamaze okuvuunyula eddigobe okwali ne mutasalanjala, omulubaale Ssekiiwa yayingira mu nnyumba ya kabaka ne bazzukulu be abalongo ate Mulezi ne Mutimbi ne basigala ebweru nga batambulatambula mu lubiri mu budde obw’eggandaalo. Bwe baali batudde ku kifugi, Mutimbi n’abuuza Mulezi nti “Erinnya lyo ggwe ani ssebo?” Ko ye “Nze Mulezi” ko Mutimbi “Saba ku mazzi ompe naabeko.” Mulezi teyali mubi n’agasaba ne bagamuwa n’agaleeta. Ko ye “Kati Mulezi mbadde nkusaba nkunaaze ebigere byo.” Ko Mulezi “Nedda ggwe aba aleeta.” Ko Mutimbi bwotaleeta bigere byo kukunaaza nga tonjagala.” Musajja wattu Mulezi ng’amuwa bigere ng’amunaaza. Bwe yali amunaaza, Mutimbi n’alaba enkovu eya kiragala ku kisinziiro ky’ekigere ekya ddyo. Ko ye “Bulijjo y’ono, bannange nze!” Ko Mulezi “kiki Mutimbi?” Mutimbi kwe kumulaga naye ku kisinziiro kye eky’ekigere ekya ddyo nga kuliko enkovu ya kiragala. Bwe baakwataganya empeta zaabwe zombi, ne zaaka kiragala awo ne beegwa mu bifuba ggwe wamma ne basanyuka bya nsusso anti baalugera dda nti “Omukadde

This document was downloaded from https://exoticnotes.com



Do you need more LESSON NOTES for Primary (All classes)?

Click
https://exoticnotes.com/notes/primary/

If you need LESSON NOTES for SCIENCE (P.1 – P.7)
Click
https://exoticnotes.com/notes/primary/science/

If you need LESSON NOTES for English (P.1 – P.7)
Click
https://exoticnotes.com/notes/primary/english/

If you need LESSON NOTES for Mathematics (P.1 – P.7)
Click
https://exoticnotes.com/notes/primary/mathematics/